# EBIWANDIIKO BYA EACOP EBIRAGIRA ABANTU OKWAMUKA ETTAKA

## BYEWETAAGA OKUMANYA

Nga bwekyalagirwa mu ndagaano zammwe ez'okubaliyirira, oweereddwa ekiwandiiko okwamuka ettaka. Kino kitegeeza nti omaze okuliyirirwa era kati kikwetaagisa okukwasa Gavumenti ya Uganda ettaka eryo.

Oluvannyuma lw'emyezi 3 ng'omaze okuweebwa ekiwandiiko ekikulagira okusenguka, oteekeddwa okwamuka wamu n'okulekera awo okukolera omulimu gwonna ku ttaka eryo.

Oteekeddwa okutandikirawo okuteekateeka okuggyako ebintu byo oba ebimera byewandyetaaze okusenguka nabyo. Okuliyirirwa kw'ofunye kujja kukusobozesa okuzzaawo ettaka lyo n'eby'obugagga bwo ebikoseddwa.

Abo bonna abaakosebwa pulojekiti bajja kuyambibwa mukiseera eky'okusengulwa nga baweebwa emmere ey'okulya. Oluyvannyuma, ng'oggyeko emmere enebaweebwa bajja kuyambibwako okusobola okuzaawo ebyo beibayimirizaawo mu bulamu.

Osaanidde okutandika okusimba ebimera mu bwangu nga bwekisoboka ku ttaka lyo erisigaddewo oba ku eryo ly'oguze okuva mu nsimbi ezakuliyirirwa.

EACOP ejja kuba tevunanayizibwa ku kwonooneka kw'ebintu byonna ebinnasigala ku ttaka lyo oluvannyuma lw'ebbanga ery'emyezi 3 mwe baakuweera ekiwandiiko okuggwaako.

Bw'oba olina ekibuuzo kyonna, mwattu tuukirira omukwanaganya w'abantu mu kitundu oba kuba ku ssimu eya EACOP etali yakusasulira 0800 216 000.

### Kiki ky'olina okukola oluvannyuma lw'okuweebwa ekiwandiiko okwamuka ettaka?

Ekisooka, kebera ennaku z'omwezi ekiwandiiko ekyo lwekirina okuggwaako kubanga luno lwe lunaku lw'ojja okuba olusembayo ggwe okukozesa ettaka eryo.

Tegeka olukiiko lwa famire okwetegekera okwamuka ettaka.


Tamdika okusimba ebirime to ttaka lyo eryafikkawo oba ku eryo ly'oguze okuva mu nsimbi ezakuliyirirwa.

### Biki by'osobola okuwonya okuva ku ttaka lyo?

Singa ekitundu kyonna eky'ettaka lyo kiba kimaze okuliyirirwa, oteekeddwa okukola bino mu myezi esatu (3) egiddako:



- Kungulamu ebirime yonna byeweetaaga okusigaza



- Kungulamu emiti gyonna egisobola okukuviiramu ensimbi oba embaawo byewandyetaaze okusigaza.
- Ggyamu eby'obugagga byonna ebisobola okusengulwa
- Ggyamu ebizimbisibwa byonna byewetaaga okugenda nabyo.
- Teweerabira okukozesa ensimbi ezakuliyirirwa okulaba nti ozzaawo ebizmbe byewetaaga okubeeramu nga tonnasenguka.

East African Crude Oil Pipeline (EACOP) Ltd. Course View Towers, Plot 21, Yusuf Lule Road, P.O.Box 34867, Kampala - Uganda
Tel: 0800216 000 (Toll Free) Or +256 204 916 000

Copyright September 2022

# EBIWANDIIKO BYA EACOP EBIRAGIRA ABANTU OKWAMUKA ETTAKA

**Singa enju yo eba ekoseddwa mu myezi esatu (3) koal bino:**

- Singa oba osazeewo okuliyirirwa ensimbi mu kifo ky'okukuzimbira ennyumba, laba nti otegeka ennyumba ey'okusengukiramu.
- Ggyamu eby'obugagga bwo byonna okuva mu nnyumba obitwale mu maka go amapya.
- Ggyamu ebizimbisibwa byonna byewetaaga okugenda nabyo.
- Singa oba weetaaga okuyambibwako okusengulwa okugend amu maka go amaggya, tuukirira omukwanaganya w'abantu mu kitundu oba kuba ku ssimu ya EACOP etali ya kusasulira.

**Osobola okusigala ng'okozesa ettaka lyo mu kiseera eky'emyezi esastu (3) mwebaakuweera ekiwandiiko ekikulagira okwamuka ettaka?**

Yee, osobola okusigala nga okuzesa ettaka lyo mu kiseera eky'emyezi 3 okuva lwe waweebwa ekiwandiiko ekikulagira okwamuka ettaka, naye okkirizibwa kusimba birime ebyo byokka ebikungulwa amangu kubanga ojja kuba tokyasobola kukozesa ttaka eryo oluvannyuma lw'emnyezi esatu (3)
Ttandika okusimba ebirime ku ttaka erisigaddewo mu bwangu ddala.
Nga bwe waweebwa amagezi aba EACOP, toteekeddwa kusimba bimera bitwala bbanga ddene okukungulwa okusukka emyezi 3 oba kuzimba ebizimbe byonna ku ttaka erikoseddwa oba okusimba emiti egitasobola kukungulwa mu kiseera ekiwandiiko eky'okwamuka ettaka nga tekinnaggwako kubanga bino tebijja kuliyirirwa.

**Olwo ki ekibaawo singa oba tonnaliyirirwa nebakuwa ekiwandiiko ekilagira okwamuka ettaka?**

EACOP ewa ekiwandiiko ekiragira okwamuka ettaka abo bokka abamaze okusasulwa ensimbi ez'okubaliyirira.

**Ate kiki ekibaawo singa EACOP ebeera okuzimbira ennyumba ey'okuzzaawo mu eyo eyakosebwa?**

Eyo yonna EACOP gyezimbira abaakosebwa amanyumba, ekiseera ekiwandiiko wekiggwerako kyenkanankana n'ekiseera webamalira okuzimba ennyumba ekuddiziddwa okusobola okusengukiramu.

**Olwo kiki ekituukawo singa ebimera biba tebinnakula bulungi era nga tebinnatuuka kukungulwa?**

Singa obeera ofunye ekiwandiiko ekikulagira okwamuka ettaka, kitegeeza nti emiti gyo n'ebimera ebitwala ebbanga eddene okukungulwa byamala dda okuliyirirwa.
Oweebwa amagezi obutasimba bimera bipya oba emiti egitasobola kukungulwa mu bbanga lya myezi esatu (3) ng'ekiwandiiko tekinnaggwako, kuba EACOP tejja kukuliyirira kw'ebyo.

**Kiki ekibaawo ng'osenguse ku ttaka?**

EACOP ejja kugenda mu maaso n'okukuyamba.
Abaakosebwa bonna bajja kuyambibwako nga baweebwa opbuyambi bw'emmere mu bbanga ery'emyezi 6-12 wamu n'okuymbibwako okulongoosa mu ebyo ebibayimirizaawo mu bulamu.

**OKUMANYA EBISINGAWO:**

Okumanye ebisingawo ku biwandiiko bya EACOP ku kwamuka ettaka oba ensonga zonna ezikwata kun kola EACOP Uganda mweyita okufuna ettaka, yogerako n'omukwanaganya w'abantu ne EACOP mu kitundu kyo oba tuukirira EACOP ku ndagiriro eno.:

East African Crude Oil Pipeline (EACOP) Ltd. Course View Towers, Plot 21,
Yusuf Lule Road, P.O.Box 34867, Kampala - Uganda
Tel: 0800216 000 (Toll Free) 0r +256 204 916 000

Copyright September 2022